



Abaaguzannyako, Paul Ssali (mu maaso), Jamir Kasirye, 'Iron Man' Nkaada ne Simon Omba nga bala mbula ttiimu ku Ssande.

# Omuyiggo gw'ebitone mu Bakristaayo

Bya MOSES KIGONGO

Kikubampanga 4-0 Kamuli

**Okubaka;**  
Kikubampanga 7-4 Kamuli

EKKANISA ya Caring Heart Victory Community e Kagula-Kakiri mu Wakiso etandiseewo empaka z'emizannyo mu bakristaayo baayo n'abatuuze b'oku byalo ebiriraanyeeewo.

Omusumba waayo, Paul Musisi Lubowa yagambye nti, "Katonda alagira abasumba

okuzuula ebirabo ebyenjawulo ebiri mu bantu. Tusaba, tuyimba n'okutendereza Mukama naye ate waliwo ebirabo ebirala Katonda by'atutuma okuzuula mu bantu. Kino kye kintandisizzaawo empaka z'emizannyo mu bitundu tufunemu abasamba omupiira, ababaka n'abaddusi," Pasita Musisi bwe yalambise.

Empaka zino zazaatumiddwa 'Caring Heart Community Sports Tournament', gyagguddwaawo ku Ssande nga Kikubampanga yatimpudde Kamuli (4-0) mu mupiira gw'ebigere ne mu kubaka n'egyongera (7-4). Omukolo



Pasita Musisi



Kulabigwo ne nnamwandu wa Baker Kasigwa.

gwetabiddwaako abaagusambako mu gy'e 70 ne 80 okwabadde Paul Ssali, Francis Kulabigwo, Jamir Kasirye, Simon Omba, Isaac 'Iron Man' Nkaada, Ayub Kisekka, ne nnamwandu wa Baker Kasigwa, eyali mu Cranes eyazannyira mu bigere e Bungereza. Ssali, omukungu wa FUFA

ate nga y'akulira 'Former Senior Players' yasiimye Pasita Musisi okuyamba ku kunoonya ebitone mu mizannyo n'asaba ababirina okwerwanako bakyuse embeera zaabwe.

Emizannyo gino gyakuzanyibwa buli lwa Ssande e Kagula ng'abaaguzannyako beeyamyere okubaako ne ttiimu z'omupiira ogw'ebigere ze batendeka.